

P360/2
LUGANDA
PAPER 2
July/August 2017
3 hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS.

Uganda Advanced Certificate of Education.

LUGANDA

OKUKYUSA, OKUWANDIKA EMBOOZI, OKUFUNZA
N'OKUSOMA BWINO .

Paper 2

ESSAAWA SSATU (3)

ENDAGIRIRO:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina A, B, C ne D*
- *Ebibuuzo byombi mu kitundu A, C ne D bya biwaze.*
- *Mu bitundu B londa nga bw'olagiddwa.*
- *Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

EKITUNDU A

Ddamu ebibuuozo byonna mu kitundu kino: (a) ne (b). (obubonero 30)

1. (a) Kyusa ekitundu kino okizze mu lulimi oluganda. (obubonero 15)

WE WORK WITH POLICE, THUGS TELL KAYIHURA.

All the suspects who were paraded, appeared to have met General Kayihura earlier. One of the suspects told Gen. Kayihura that he had accomplished the mission he gave him. Neither him nor Gen. Kayihura, gave details of the mission.

It wasn't clear whether this particular suspect was given the mission before or after the arrest because he had been in detention since he was arrested.

The suspects said that, each of them would be given money ranging from shs 20,000 to shs 80,000 for every break – in and attack mission.

Another suspect, Suleiman Tumusiime alias Kabaya, said that their mission to Lwengo, was aborted after the first group was arrested in Lwengo district. Tumusiime and others were later arrested in several parts of Kampala in connection with the Greater Masaka attacks.

- (b) Kyusa ekitundu kino okizze mu lulimi olungereza. (obubonero 15)

Abakozi 60 ku Faamu y'ebimuli baddusiddwa mu ddwaliro e Bulaga okujjanjabibwa oluvannyuma lw'okuwunyiriza eddagala ly'obutwa eryateereddwa mu bimuli.

Abakozi bano, bakolera ku faamu ya Royal Van Zanten e Nkonya mu ggombolola y'e Nsangi mu disitulikiti ye Wakiso.

Abakozi abaalwadde, baabade balabiririra ebiyumba bibiri nga bano be baayisiddwa obubi ne ba ddusibwa mu ddwaliro Iya First Care Medical Centre e Bulaga.

Baabade basesema, baddukana, embuto nga zibaluma nga n'emite gibaluma obutasalako. Abakozi abamu baaweddemu amaanyi nga tebasobola ku tambula nga n'abaasobodde okwetwala mu ddwaliro, nga bali mu bulumi buyitirivu.

Abamu ku bakozi, baagambye nti baatandika okiwlira obubi nga baakayingira ekiyumba ekyali kya kafuuyirwamu eddagala.

Era baategeezza nti, "Ekitunyizizza, bakama baffe, tebatufuddeko nga bwebazze mu ddwaliro, abakozi abali ku bitanda nga babawa shs 2500 nti bejjanjabe".

Ekibiina ekirwanirira eddembe ly'abakozi abakola mu bimuli nga kikulembeddwa Ssaabawandiisi waakyo Jennifer Nassali, baalambudde ku bayi, ne bawera nga bwe bajja okukola kyonna ekisoboka okulaba ng'abakozi bayambibwa.

EKITUNDU B

Mu kitundu kino, ddamu nga bw'olagiddwa.

2. (a) Ku mitwe egikuwereddwa, londako gumu owandiike emboozu yabigambo nga 400. (obubonero 30)

- (i) Okusoma ky'ekirabo omuzadde kyawa omwana. Kubaganya ebirowoozo.
- (ii) Nnamutikkwa w'enkuba, yagoyezza ekyalo.
- (iii) Ennamba z'amasi mu ezitawandiisiddwa ku Ndagamuntu, zisaana zisalibweko ku mayengo. Kubaganya ebirowoozo.
- (iv) Ekitava ku ssengejero.....

Oba

- (b) Ku mitwe egikuwereddwa, londako ebiri owandiikeko nga bwolagiddwa. (obubonero 30)

- (i) Ggwe omu ku baabaddewo ng'ekisulo ky'abayizi kikwata omuliro. Wandiika sitaatimenti gy'onaawa Poliisi.

- (ii) Muli mu kwabya lumbe lwa Kiwutta eyali muliraanwa wo, era ggwe omu ku balina okusumikira omusika. Biteke mu buwandiike.
- (iii) Olukiiko lw'ekyalo lutudde, ku nsonga ezitali zimu, ggwe ng'omuwandiisi waalwo, teeka mu buwandiike ebiteeso by'olukiiko.
- (iv) Minisita w'ebjenjigiriza, akulonze okukulira akakiiko akanoonyereza ku bivirako amasomero okukoppa ebigezo. Wandiika alipoota gy'onnaamukwanga.

EKITUNDU C

3. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (obubonero 20)

Nga mmaliriza okusoma mu mwaka gwa 1941, nafuna omulimu mu kkomera e Luzira. Eyo nakolayo okumala emyaka ena, kwe kugamba nti okutuusa Ssematalo ow'okubiri weyaggweera. Mu mwaka gwa 1946, nakyusa okuva mu bwakalaani e Luzira ne nzira mu kitongole kya puliisi ekikessi omwo nno nnaakakulungulamu emyaka kumpi kkumi n'etaano, kyokka omulimu guno nkyagwagala kubanga nfunya omusaala ogweyamba.

Omusaala guno, gwansobozesa okwezimba nga nkyali muvubuka. Mu kwezimba kuno, nagula mmotoka kappyata; nagula ekibanja nnakitokolo, ne nzimba n'enyyumba kw'okomya amaaso. Ate olw'okubanga okuva mu buto bwange, nayagala nnyo okuyigga, olwafuna ku nsimbi eziwera ne ngula emmundu Iwasamayinja. E, e, wamma ggwe ne nneegombewa bangi;

Bwentyo nalabika nga nsooloobye nnyo ku balenzi bannange betwakula nabo, era enzaalwa z'okukyalo kye waffe ekiyitibwa Kaabubiro.

Ekyo tekyewuunyisa, kubanga bo olwasoma ne batuuka mu kibiina eky'okubiri n'abalala mu ky'okusatu nga eby'okusoma babiggyamu enta. Abamu badda mu kukuba mbirigo, abalala nga bakuba nkuyo, abalala nga bafuuweeta bbindde, abalala nga bakwana bakazi, n'abandi nga bagomoka okwo ku kyalo nga batangatanga bwebatyo, oluusi ne babulwako ne we batuula. Omwenge nga y'efuuse emmere yaabwe eya buli lunaku, nga gwe gufuuse ebikunta byabwe, ate ne gufuuka ekintu eky'okubazzaamu endasi, anti nga bwe başa tebanneekamirira mpaawo ziwera ttaano buli omu, tebaba na maanyi. Wabula omulenzi omu eyali ayitibwa Kaweke, ye yayawukana ku mugendo n'asoma n'aggweekerera. Oluvannyuma, n'afuna omulimu mu Kampala, ogwali gumusasula obulungi.

"Abataka abaagalana, be balima akambugu," nze ne Kaweke okuva lwe twali tusibuka ku kyalo ekimu, twakola omukwano ogutali mwangu gwa kuzuula. Nze nnali sisobola kusinziira mu maka gange agaali mu Mabira e Kyaggwe okujja okukola, kyenva mpangisa enyyumba mu "kkwota" e Ntinda. Munnange Kaweke naye teyanjabulira yapangisa enyyumba eyali eriraanye eyange. Awo we twavanga, nga tugendera mu mmotoka yange, netugenda tulingiza ku bannakazadde baffe abaali babeera ku kyalo Kaabubiro, eyo mu Gombolola ya Ssaabawaali mu Kyaggwe.

Mmotoka yange, yafuukira ddala yaffe babiri, si lwakubanga twagatta ssente, wabula olw'okubanga omukwano gwali gutusaza mu kabu. Kaweke buli we yayagalanga okugenda nga mmuwa buwi mmotoka n'agenda, ate olwo nga mmaze n'okumuyigiriza okugigoba. Emirundi egimu yansabanga n'agenda okulaba ku bannakabutuzi, nze bwennabanga siigende. Oluusi yansabanga n'atambula ejnjendo endala zeyabanga ayagadde.

Mu luvannyuma ennyo, namunyoolera ensingo ne ntandika obutamuwa mmotoka, kubanga nakizuula nti emirundi egimu yannimbanga nti agenda kulaba ba muzaala ate n'atatuukayo. Bwe yagendanga ng'akoma okwo ku kyalo nga mu bakadde be alema okutuukayo. Nakimanya luvannyuma nnyo nti yali alina banywanyi be ku kyalo okwo, abaali bamwonoonye. Nze yankiyawa olw'okumunenya, n'atuuka ne ku kunneegezaamu okunzita!

EKITUNDU D

4. Soma ekitundu, oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

(Obubonero 20)

Baatemanga amabidde ne bagaziika mu bunnya oba ne bagawanika ku kibanyi. Bwe gaayengeranga ne bagasusa nga bagassa mu lyato, oba mu kibbo, oba ku lutyatya. Baleeta essubi ne baliteeka mu mervu amasuse nga balitemyetemye ne bagagoya n'engalo oba n'ebigere okutuusa lwe gammukanga omubisi, ne balyoka bassaamu amazzi. Bwe batassaamu mazzi omubisi ogwo guyitibwa mberenge. Baasenangako emberenge entonotono, esigaddewo ne bagisaabulula okufunamu obungi n'obuka obwetaagibwa. Emberenge eyayawulwangako, yagattibwangamu mubisi omusaabulule, okufuna obuka obutuufu. Okwo nno kwe bassa omuwemba. Omuwemba, baalimanga mulime, era bwe gwakulanga nga bagusala ne bagwanika. Bwe gwakalanga nga bagukuba okuggya empeke mu bisusunku. Ogwo nno gwe basiikanga mu ntamu nga bakozesa emizinjoonyo ebiri nga bagenda bagukyusa, guleme okusiriira. Bwe baamalanga okugusiika, ne bagusa, nga bakozesa olubengo ne enseso. Omuwemba ogwo, gwe baayiwanga mu mubisi ne bagenda nga bagumerengulira mu mubisi n'ebibatu by'engalo, omubisi gusobole okunoga omuwemba. Okwo kwe bayita okusiwa. Nga basiwa, baddiranga ekita ekirungi ekitaliimu bukuku, ne basiwa oba okulunga omuwemba mu mubisi. Ataabearanga na kita kirungi, ng'akyeyazika. Oyo eyatyanga okwewayazika, gamba nga tayagala bamanye nti agenda kuiisa, baamugererangako olugero nti "Nnaasiwa mu kange, asiwa mu ka bukuku".

Bwe baamalanga okusiwa ne bagubikka, olwo ogubadde omubisi gufuuka omwenge. bwe gufa, guyitibwa nkenku, era guliko n'olugero nti, "Awanise tasekerera nkenku". Omwenge ogwakasula olumu mu kinnyi nga bagubisse, guyitibwa ntware.

Omwenge, baagusengejjanga (baagusenanga) okuva mu ttugero ne basenako ogusooka ne baguteeka mu ndeku enneneko, ne baguteeka e buziizi nga ba nba nti ogwo baguteekeddeyo bakulu (emizimu gy'abajjajja abafa edda) mbu nabo banyweko. Ogwo gwebaayitanga omwenge ogwennembe.

Kale bwebaamalanga okugabula omwenge gwonna nga basiibudde abantu bona, munywanyi owomunda ennyo bweyajjanga nga bamuggirayo ku gw'abakulu guli, oguyitibwa e nnembe nga bamuwaako. Anywako katono ng'ak'omuzizo ne baguzzaayo.

Nnyinimu ate n'alinda omugenyi omulala oli olwamanyanga nti anywedde ku gwa nnembe, nga naye amirako katono, talulunkana omwoyo nga guwona. Era agenda amatidde nti oyo munne ddala wa munda.

Omwenge gwalinanga emigaso ntoko nga bwe wataaberanga kita kya mwenge, nga tosobola kuwasa oba okufumbiza omwana. Gwamalanga emisango ng'oli bamutanza kita kya mwenge. Gwakozesebwanga mu nnyimbe, mu masanyu ng'embaga, gwateekewwanga e buziizi nga mwenge gwa bakulu, bwegutaabangawo, nga mu bigali oteekamu ensimbi ez'okugugula.

EBIBUUZO:

- (a) Menya ebintu omuwandiisi byalaze ebikozesebwwa mu kuiisa omwenge. (obubonero 05)
- (b) Nnyonnyola lwaki baayiisanga omwenge mu Buganda. (obubonero 06)
- (c) Obuyiiya bw'Omuganda bweyolekedde butya mu kuiisa omwenge? (obubonero 05)
- (d) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino; (obubonero 04)
- (i) gammukanga
 - (ii) okusiwa
 - (iii) entwere
 - (iv) ogw'ennembe.

BIKOMYE WANO.

P360/2
LUGANDA
PAPER 2
July / August 2014
 $2\frac{1}{2}$ hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(Ggulama N'ebyobuwangwa)

Paper 2

2 hours 30 minutes

ENDAGIRIRO:

- *Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu bisatu A, B, ne C*
- *Ebibuuzo byombi mu kitundu 'A' bya bwaze.*
- *Mu bitundu B londa nga bw'olagiddwa.*
- *Mu bitundu C, kolayo ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya ku nnamba 5, 6 oba 7.*

Bikkula

EKITUNDU A

Ddamu ebibuuzo byombi mu kitundu kino.

1. a) i) Wandiika ekigambo kimu ekinnonyola ebigambo ebisaziddwako mu mboozi zino;
ii) Katikaaluyiira yayiisizza omwenge omuka.
iii) Embwa yasse eri ggwako.
iv) Enkuba etonnye nnyo ate nga erimu kibuyaga.
v) Enva zo ziwunya olusu lwenya ezisiridde.
vi) Omusajja azadde abalongo omulundi ogw'okuna nze mwewuunya.

(obubonero 05)

- b) i) Ohusi oluganda tetuluwandiika nga bwetulwogera, leeta ensonga ssatu ng'olaga ddi ekyo lwekibaawo (obubonero 03)
ii) Gatta sentensi zino ebbiri mu emu ng'okozesa akawakatira akakolaganyi.
 - Nsanze Makumbi akuba Nazziwa.
 - Nsanze Nazziwa akuba Makumbi.(akabonero 01)

Ddamu owandiike sentensi eno ng'okozesa akawakatirwa ak'okwekolako.

- Mmenge agaanyi okukkiriza omusango gw'okubba embuzi.

(akabonero 01)

- c) i) Emboozi zino ddamu oziwandiike ng'ebikolwa ebirimu obifudde amannya.
 - Musoke ayogera bulungi.
 - Lenga ennaanansi ezo
 - Osula Kawanda.(obubonero 03)
ii) Mu sentensi eno wammanga;
Erinnya erigirimu Lisse mu bungi era ogisse mu kiseera ekyayita;
Jjo ndyetyabira akaku. (obubonero 02)

- d) i) Emboozi eno gikutulemu ebitundu ebyenjawulo obituume amannya g'abyo aga ggulama.
Okimumpeera.

(obubonero 05)

2. a) Ku bisoko bino ebikuweereddwa wammanga, londako bitaano(5) onyonnyole amakulu g'abyo ag'omunda.
 - i) Okubaamu ensa.
 - ii) Okutuuza ey'olukugunu nga emmese enkazi ezadde ennenzi.
 - iii) Okuddako akada.
 - iv) Okweyokya ennyumba.
 - v) Okukwata mu gabuguma.
 - vi) Okusula ku tebuukye.
 - vii) Okukaabira mu lwayaba.
 - viii) Okuba owentomo.

(obubonero 10)

- b) Ku bisoko ebikuweereddwa wammanga, londako bitaano(5) obikozese mu mboozzi eziggyayo obulungi amakulu gaabyo.
- Obwongo okwesera.
 - Okwessa awalaba.
 - Okutuzza eriiso.
 - Okumira ku g'enyanja.
 - Okusuula omuntu omukono.
 - Okutema ebisiki.
 - Okulya mu ndago.
 - Okugenda ewa Ssenkaaba.

(obubonero 10)

EKITUNDU B

Ddamu ebibuuzo byombi mu kitundu kino.

Kola nnamba 3a) oba 3b)

3. a) Nnyonnyola engeri abaganda gye baafubangamu okukuumma obumu n'okwewala amayisa amabi (obubonero 20)

Oba

- b) i) Nnyonnyola ku mizizo gyomukazi ow'olubuto mu Buganda(obubonero 10)
ii) Laga obukulu bw'okuyingga eri omuganda. (obubonero 10)

Kola 4(a) ne 4(b)

4. a) Ku ngero zino wammanga londako ttaano(5) ozimalirize nga bwe zoogerebwa.

- Ataakwalize njanda.....
-Kakira mbegeraako.
- Kuno tekuli kabi
-omusibe tayita Ggimbo.
- Ajjukiza Busemba.....
-y'eyiwa amata.
- Gw'olulambuza.....
-nga gw'oyagala y'ali ku ngulu.

- b) Ku ngero zino wammanga londako ttaano (5) onyonnyole amakulu gaazo ag'omunda;

- Akabimbi akatono kakira ekyosi.
- Ennyumba ezimbwa ku bugenyi.
- Enkoko y'omwawu teggwa meebaza.
- Abikka ebibiri tabojja.

- v) Okubwesooka si kubulya, okunaaba mu ngalo si kubega.
- vi) Ekibojjera ku lwazi kyesiga mumwa bugumu.
- vii) Sirikuleka wabi akuleka ku mmere nnuma.
- viii) Ow'ogwaka talaba wa gunyooka.

(obubonero 10)

EKITUNDU C

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka okuva mu kitundu kino ng'okiggya ku nnamba 5, 6 oba 7

Kaswa Jackson

Kola (5a) oba (5b)

- 5. a) Kaswa teyakoma ku kutuwandiikira bitabo naye era yakolera eggwanga ebintu bingi ebimwogezaako ne leero. Jjuuliriza ensonga eyo. (obubonero 20)

oba

- b) Kaswa attottola atya ebikwata ku nswa n'obutiko mu kimu ku bitabo bye? (obubonero 20)

MATOVU JOY

Kola (6a) oba (6b)

- 6. a) Matovu agwana kwebazibwa manguddala nga tannatuva ku maaso. Lwaki?

oba

(Obubonero 20)

- b) Matovu Joy ne bw'omuzuukusa mu tulo, tomwerabiza by'abuwangwa bya Baganda. Nnyonnyola obutuufu bw'ensonga eno nga weesigama ku bitabo bye. (obubonero 20)

BUSUULWA Katambula.

Kola (7a) oba (7b)

- 7. a) Bintu ki ebyayamba Busuulwa okufuuka omuwandii~~si~~ow'erinnya? (obubonero 20)

Oba

- b) Enjoma mujagozo za njawulo era za byewuunyo" Bintu ki ebizifuula okuba ezenjawulo era ez'ebyewuunyo. (obubonero 20)

BIKOMYE WANO.

P360/2
LUGANDA
PAPER 2
July / August 2011
 $2\frac{1}{2}$ hours



WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

(Ggulama N'ebiyobuwangwa)

Paper 2

2 hours 30 minutes

EBIRAGIRO:

- *Olupapula luno lugabanyiziddamu ebitundu A,B,ne C*
- *Ebitundu byonna bya buwaze*
- *Ebibuuzo byombi mu kitundu A bya buwaze.*
- *Mu bitundu B ne C londako nga bw'olagiddwa.*

EKITUNDU A

Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu kino.

1. a) Nga weeyambisa eby'okulabirako laga ebifo bibiri mwetuwlira eddoboozi eriwangaala kyokka netutaliraga mu mpandiika (Obubonero 4)

- b) Gattulula ebigambo (ennyingo) ebikoze sentensi eno olage bwebiyitibwa mu Luganda.

Tulimukugambirako

(akabonero 3 $\frac{1}{2}$)

- c) Weeyambise Nakasigirwa ez'enjawulo ojjuze olukangaga luno.

ERINNYA	NAKASIGIRWA				
	ENKOZI	ENDAZI	EMBUUZI	ENKAKASI	NAKASIBA
Ettimpa	_____	_____	_____	_____	_____
Ekinyeebwa	_____	_____	_____	_____	_____
Ensumma	_____	_____	_____	_____	_____

(Obubonero 7 $\frac{1}{2}$)

- d)i) Wa amakulu obuwakatirwa obusaziddwako ge buwa mu sentensi ezikuweereddwa wammanga.

- Omulenzi asomera mu kisenge
- Tonkwatirira mwana wattu
- Emmere agiriisa ngalo

- ii) Kozesa obuyingo buno ozimbe erinnya nga liva mu kikolwa. (Obubonero 3)

- "Sse...."
- "Kali..."
- "Kiri..."
- "Ka..."

(Obubonero 2)

2. a) Ku bisoko bino wammanga londako bitaano (5) onyonyole amakulu gaabyo;

- i) Okuliisa akakanja.
- ii) Okugenda n'ekisubi ku liiso
- iii) Okutonnya mmooli
- iv) Okussa emmambo ku maaso
- v) Embwa okulya emmwanyi
- vi) Okutema ku lw'e Namuganga.
- vii) Okulengezza omuntu
- viii) Amaaso okujjula omuliro..

(Obubonero 10)

- b) Ku bisoko wammanga londako bitaano (5) obikozese mu mboozzi eziggyayo amakulu gaabyo mu bujuvu; (Obubonero 10)
- i) Okusiba ebikutuka
 - ii) Okwegirisa ng'ekigotta entula
 - iii) Okuzina gunteeese
 - iv) Okukweka enjala
 - v) Amatooke okulinnya olunnyo
 - vi) Okuzimba ng'obudde
 - vii) Okukuuta akalevu ku ttaka
 - viii) okubeera yaddeyadde.

EKITUNDU B

Ddamu ebibuuzo mu kitundu kino nga bw'olagiddwa.

Ddamu 3a) OBA 3b)

3. a) Eddiiro ly'Omuganda kifo kikulu nnyo gy'ali. Laga eby'obuwangwa ebyenjawulo ebikolebwa mu kifo kino. (Obubonero 20)

OBA

- b) Nnyonnyola ku bukulu bw'okuweesa mu by'obuwangwa bwa'Abaganda. (Obubonero 20)

Ddamu 4(a) ne 4(b)

4. a) Ku ngero zino londako ttano (5) ozimalirize nga bwe zoogerebwa. (Obubonero 10)

- i) etuusa mugenyi.
- ii) yakuleega entumbwe.
- iii) Ekirya ataabala.....
- iv) Abataka nkwenge.....
- v)..... ageya nyoko ng'owulira.
- vi)gakira amalibu
- vii) Ezinunuña omunaku.....
- viii) Ziriddira mu mabidde.....

- b) Ku ngero zino londako ttaano (5) onyonyole amakulu gaazo, agoomunda.

(Obubonero 10)

- i) Addijjana ekitiko y'akiggya.
- ii) Abalungi ndagala nnamu teziggwa mu lusuku.
- iii) Amayumba bisaka, tomanyia bibaamu.
- iv) Obutanaziba tobukaabirako maluma

Bikkula

- v) Tudde eka tukube abakazi bwaddayo akuba bisenge
- vi) Ekkonde evvanyuma lye lyasa omutwe.
- vii) Alima ne bba taba munafu.
- viii) Amaziga g'emmese gajja na kamasu.

EKITUNDU C

Ddamu ekibuuozo kimu kyokka mu kitundu kino, ng'okiggya mu 5, 6 oba 7.

Kola 5a OBA b

5. a) Nyonyola n'eb'y'okulabirako ebigendererwa bya Matovu mu "Bazzebulala"
(Obubonero 20)
- OBA**
- b) Weesibe ku mirimu gya Matovu olage bw'afubye okukuza Buganda ne Uganda.
(Obubonero 20)

Kola 6a) OBA b

6. a) "Busuulwa ekimu ku byamusobozesa okuwandiika ku bintu eby'enjawulo bye
byafaayo by'obulamu bwe. Kiriziganya n'endowooza eyo. (Obubonero 20)

OBA

- b) Ebintu Busuulwa byatottola kuŋŋoma mujaguzo bitiisa era biwuniikiriza omusomi;
Nyonyola bulungi. (Obubonero 20)

Kola 7a) OBA b)

7. a) Nyonyola ku bulabalaba bw'abassi b'enswa n'abaggyi b'obutiko nga
kaswa bwabwoleka mu kimu ku bitabo bye. (Obubonero 20)

OBA

- b) "Kaswa musajja mpagi luwaga mu kulwanirira obuwangwa bw'Abaganda
ng'ayita mu Kuwandiika." Ttaanya (obubonero 20)

BIKOMYE WANO.

P360/2
LUGANDA
Paper 2
Jul/Aug 2009
2½ Hours

WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS
Uganda Advanced Certificate of Education
LUGANDA
Paper 2
2 Hours 30 Minutes

EBIRAGIRO:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu; A, B ne C.*
- *Ebitundu byonna bya buwaze, cbibuuzo byombi mu kitundu A bya buwaze*
- *Mu bitundu B ne C londako nga bw'olagiddwa.*

EKITUNDU A

1. (a) Sentensi zino, wammanga ddamu oziwandiike ng'okozesa ekigambo kimu ekitegeeca cbyo ebisaziddwako omusitale.
- (i) Twasanze Kabaka ali mu bibbo.
- (ii) Afuga essaza ly'e Gomba Bannagomba bamwagala nnyo.
- (iii) Mwannyina kitange mulwadde muyi.
- (iv) Embwa ya Kiwanuka yazadde obwana munaana.
- (v) Twasanze Kabaka yebaseemu.
- b) Wandiika enjawulo eri wakati w'embu zino wammanga.
1mu, 3mu ne 18mu
- c) Mu mboozi zino laga ensonga ezireetera ekikolwa okukyukakyuka okusinziira ku nnyingo ezsaziddwako.
- (i) Abayizi babakubisa mbooko ya Nvubu.
- (ii) Nakiwala akubirira ssene ayengere.
- (iii) Omusajja yeerumye nnyo olulimi
- d) (i) Lecta amateeka agamenyeddwa mu mboozi eno.
Omwana omuyiimbi ayimbira mu "Eagles production" asana kuwa kirabo
Olw'okuwaana omutanda ng'akooka.
- (ii) Mu mboozi zino wammanga saza omusittale ku kabonero akalaga ekiseera
oteeke ekiseera ekyo mu bukomera.

- Anaaddwadwalikana n'enalulungi we lwansimbi
 - Baliba bakaaba n'etujja
 - Baamusangayo eka.
2. (a) Ku bisoko bino wammanga londako bitaano onnyonyole bulungi amakulu gaabyo agomunda.
- (i) Ekintu okunyinnyitira
 - (ii) Okusambira emabega nga ejjanzi
 - (iii) Okufa ekitiibwa
 - (iv) Ekintu okusalira mu ntamu
 - (v) Okuba buteba
 - (vi) Okuyita kuli nga mufu yawunya
 - (vii) Okuwoza jjo jjuuzi
 - (viii) Okuyimbya endubaale.
- (b) Ku bisoko bino londako bitaano (5) obikozese mu sentensi ezigyayo obulungi amakulu gaabyo.
- (i) Okutambuza essimbo
 - (ii) Okusekera mukikonde
 - (iii) Okweretera akanyamberege
 - (iv) Okubinukira amasejjere
 - (v) Essanyu okuba ory'omwoki wagonya
 - (vi) Kabuto okuba mu mannyo
 - (vii) Akasana okuzuukusa Kawekwa e Ggangu
 - (viii) Okuwanda olulusu.

EKITUNDU B

Kola nnamba 3 ne 4 mu kuntundu kino
Kola 3a oba 3b

3. (a) Nnyonyola obukulu bw'ekitooke mu Buganda nga wesigama kubino;

- (i) Okufumbirwa
- (ii) Okuzaala
- (iii) Okufa

Oba

3. (b) Laga amagezi g'omuganda nga bwegeeyolekera mu ngeri gyatumamamu ebiseera by'obudde.

4. (a) Ku ngero zino londako ttaano ozimaleyo bulungi nga bw'ezogerwa.

- (i) Abatongole bikya byambuzi.....
- (ii) Kateyanira.....
- (iii) Gujabagidde.....
- (iv) Zinaakalira mu kubbo.....
- (v) Yebase kaboleredde.....
- (vi)ekireka kiziina kirabye emmere.
- (vii)g'egamyuka n'akasolo.
- (viii)yakugeyera emmere.

- (b) Kungero zino wammanga londako ttaano owe kyezitegeeza.

- (i) Bakuyita e mbuga sibuganzi
- (ii) Akabimbi akatono kakira ekyosi
- (iv) Kiwombe y'eyiwa amata
- (v) Ekiddiba kidda wabakyo essaaniko mu lusuku

- (vi) Tebifaanana abifuna singa emmese eyitira mu nveera.
- (vii) Maziga ga mmesse gajja n'akamasu
- (viii) Ekinyumu ekingi kyaleetera emmese obuwuulu
- (ix) Asooka okufuna yeerabira munne byalifuna.

EKITUNDU C

Ddamu ekibuuzo kimu kyokka mu kibuuzo kino

S.S.S BUSUULWA KATAMBULA

5. (a) Laga engeri Mwami Busuulwa bwalafubanye okwoleka abantu ebikolwa ebyambyone gyebyefuzeemu ensi yattu Buganda.

Oba

- (b) Busuulwa musajja "mwoyo gwa ggwanga" Giisa obutuufu bw'ebigambo ebyo nga wesigama ku bitabo bya Busuulwa ebyenjawulo.

JACKSON KASWA .

6. (a) Akatabo 'Omunaku Kaama' omuvubuka wa leero tasaanye kkabuusa maaso. Ttaanya obutuufu bw'ensonga eno nga owa ebyokulabirako okuva mu katabo ako.

Oba

- (b) Omulimu gw'omugenzi Kaswa gukyajjukirwa kulwokulakulanya ensi ye Buganda ne Uganda. Ttaanya endowooza eyo nga bw'owa n'ebiyokulabirako.

JOY MATOVU

7. (a) Londayo ekitabo kya Matovu kimu olage engeri gy'alagamu obukulu bw'ettaka mu Buganda.

Oba

- (b) Sumulula ettu lya Matovu eri abasomi be mu muzannyo Bazzebulala n'eggwanga lyonna okutwalira awamu

BIKOMYE AWO